**03rd June 2018.**

# OKUNYWEERA MU KULOWOOZANGA KU YESU KRISTO OMUSUKKULUMU I.

**Abaebbulaniya 3:1-6.**

Amakya ga leero nga tweyongera okusomesebwa mu kitabo ky'ebbaluwa eri Abaebbulaniya, ku lw'abatabaddengawo, mu nsomesa essatu ezaakaggwa, twaategeera nti wadde omuwandiisi w'ebbaluwa eno omuntu teyamanyibwa, kitumala okkakasa nti Omwoyo Omutukuvu ye yakituwa, nga bwaali ensibuko w'ebyawandiikibwa byonna mu Baibuli, era ng'omulamwa omukulu bw'ebusukkulumu bwa Yesu Kristo ku byonna, era ne bonna, emirembe gyonna.

Era ebbaluwa yateeberezebwa okuwandiikibwa mu mwaka gw'enkaaga mu musanvu, nga Yeekaalu eneetera okuzikirizibwa mu AD 70, era nti yawandiikibwa eri Abayudaaya abaali baabuulirwa enjiri Abatume Yesu be yalekawo, ne baleeterwa mu kuyigganyizibwa olw'okukkiriza kwaabwe, awamu n'abo abaali balinamu enkenyera mu kukkiriza kwaabwe, awamu n'abo abaali bakyagaanye okukkiriza, ebibinja by'onsatule bisobole okuba n'okukkiriza okunyweevu mu Yesu Kristo olw'obusukkulumu bwe, n'okuba oyo amala mu byonna emirembe gyonna eri obweetaavu bw'obutuukirivu bwa Mukama Katonda.

Nti oba endagaano empya esinga enkadde, erina okuba n'omutabaganya asinga ow'enkadde kye tulaba mu ssuula eya leero gy'endaba okuba nti tunaabaamu n'emisomo ebiri olw'obudde.

Mu ssuula esooka kyatuweebwa okuba nti Yesu Kristo asinga bonna ne byonna emirembe gyonna, mu y'okubiri ne kikalaatirwa nti asinga bamalayika, kaakano mw'eno nti asinga Musa, eyali asinga eri Abayudaaya obututumivu, okukira ne Jjajjaabwe Ibulayimu, eyawandiika Torah, mwe baasomesebwanga buli lwa Sabbiiti nga bwe kyayogerwa mu Bikolwa By'abatume 15:21, omusajja eyakuumwa Mukama mu kuzaalwa, ate era naziikwa Mukama mu kufa kwe. Oyo eyajja Yisirayiri mu Misiri, n'ayogeranga ne Mukama Katonda ky'enkana bwenyi ku bwenyi, mu kussaawo endagaano ye n'Abayudaaya era Abaebbulaniya eyabaawula ku mawanga amalala gonna ku nsi. Wadde nga baalemererwanga oggikuuma era baalabanga ekisa kya Mukama ekiyitirivu okubanga omwesimbu era omwesigwa obutabeegaana okutuuka okubaleetera Masiya Yesu Kristo,

abasinga gwe baali tebakakasa kuba Mulokozi waabwe eyabasuubizibwa ne Musa kennyini.

Tusome ennyiriri 1-6….ku mulamwa gwaffe ogwaleero; "Okunyweera mu kulowoozanga ku Yesu Kristo omusukkulumu.I…….

**Lny 1.** Tuyitibwa "Ab'oluganda abatukuvu olw'okuba nga bwe twaalaba mu ssuula 2:11,12… "Oyo atukuza era n'abo abatukuzibwa bava mu omu bonna. N'olwekyo takwatibwa nsonyi kubayita baganda be. Agamba nti, "Nditegeeza baganda bange erinnya lyo, era nnaakuyimbiranga ennyimba wakati mu kkuŋŋaaniro."
Ng'olunnyiriri bwe lutandikwa, olw'ebyaakoogerwa mu ssuula ezisooka (Kale/ N'olwe'kyo/ 'Therefore') Kitugwaanidde okulowoozanga ku Yesu buli kaseera, na mu buli mbeera. Ng'endowooza eri mu [WWJD]…….. Ye Mutume Omukulu….eyasinga ne Musa, ate n'okusingawo, ye Kabona Asinga…..( Musa teyali kabona, muganda we Aalooni ye yali Kabona Asinga). Bye twaakasomesebwaako mu Kuva.
Gwe twaatula, nga Mukama era Omulokozi w'obulamu bwaffe okuweebwa obutuukirivu eri Katonda Kitaffe. Ate nga bwe twaakiraba ye yaweebwa Erinnya erisinga amannya gonna ku nsi, mu ggulu ne wansi w'abyo yonna.( Baf. 2:9-11).

**Lny.2.** Tumanyi nti yye yali mwesigwa eri eyamulonda mu butuukirivu, nga bwe twaalaba mu ssuula 1:8,9 mwe twaabuulirwa nti obutuukirivu, gwe gwaali omuggo ogw'obwakabaka bwe. Yayagala obutuukirivu n'akyawa obujeemu. Katonda, era Katonda we kyeyava amufukako amafuta ag'omuzeeyituuni agaleeta essanyu okusinga banne bonna.
Nti wadde ne Musa yanyumirizibwaako Mukama okuba omwesigwa,(Kubala 12:7) kyokka ate ng'omuntu yasobyanga era kyamuleetera n'obutayingira nsi nsuubize nga mulamu. Ate nga ne mu Kuva 35 – 40 emirundi 22, Musa agambwa okuba omwesigwa eri byonna ebyamulagirwa.
Omwoyo Omutuukirivu teyakiggyaayo buggya nti "Yesu Kristo yali asinga Musa".. mukikkirize bukkiriza. Wabula yabawa okugeraageranya ng'abalaga enfaanana n'enjawulo (similarities and differences). Basobole okumatizibwa awamu n'affe obukulu bwa Yesu Kristo, n'okuba nti kitugwaanidde ommutwaala nga Kamalabyonna. N'olw'ensonga endala enkulu mu kino kwe kuba nti….

**Nny.3-6** ……….Musa yali muzimbi w'ennyumba ya Mukama, ng'abatume abalala bonna oba ffenna, kyokka Yesu ye nnyini nnyumba.

Musa yazimba Isirayiri ya Mukama Yesu Kristo, era ne Yesu yabagamba mu Yokaana 5:45,46 "Naye temulowooza nti ndibawawaabira eri Kitange. abawawaabira ye Musa, mmwe gwe mulinamu essuubi. Singa Musa mumukkiriza, nange mwandinzikirizza, kubanga yampandiikako."

Olututwaala ne mu kirala ekiri wano mu Baebbulaniya, nti mu buntu, Musa yali muweereza mu nnyumba wabula Yesu ye yali mwana mu nnyumba, era nga bwe tuyimba bwe kyawandiikibwa nti *"Fenna abaamusembeza yatuwa obuyinza okufuuka abaana….."*

Lnny.6……….

Nga tumaliriza, kyanzigiddwaayo nnyo ekifaanani kya Peetero bwe yali atambula ku mazzi nga Yesu amuyise okuva mu lyaato agende gyaali, mu Matayo 14:27-33.

Nti bwe yajja amaaso ge, n'endowooza ze ku Yesu, yatandika okubbira……

Kyokka era Mukama yamuwonya bwe yamukaabira……

Naffe leero n'emirundi gyonna tuleme kujja maaso gaffe n'andowooza zaffe ku Yesu, kyokka bwe kiba nga tubbira olw'obunafu oba okutendeeyerwa, tumukoowoole atubeere.

Tunywere tube bavumu nga twenyumiririza mu ssuubi lye tunywezezza…..

Abaebbulaniya 12:1-3…….